# Omubaka Lumu aggyeeyo ebbago ku kulonda akulira oludda oluvuganya

Bya KIZITO MUSOKE
NE TEOPISTA NAKAMYA

OMUBAKA Richard Lumu Kizito (Mityana South) aggyeeyo ebbago ly'etteeka lye yaleeta ng'ayagala ababaka b'oludda oluvuganya bonna bakube akalulu ku alina okubakulira mu Palamenti.

Mu bbago ly'etteeka lino erifuga emirimu gya Palamenti erya Administration of Parliament amendment Bill, Lumu yali ayagala akulira oludda oluvuganya alondebwe ababaka okuva mu bibiina by'oludda oluvuganya byonna.

Ennonda y'ebifo ebisigadde nga obwassentebe n'obumyuka bwa ssentebe bw'obukiiko yabadde ayagala ebibiina byonna byetabemu. Mu tteeka eririwo ekibiina ekisinza ababaka ku bivuganya kye kironda abakulembeze b'oludda oluvuganya, Lumu ky'agamba nti, kikyamu.

Mu lutuula lwa Palamenti ku Lwokuna, Lumu yategeezezza ababaka nti, okuva lwe yayanjula ebbago eryo mu 2024 ne lisindikibwa mu kakiiko ka Palamenti okulyekenneenya, ebibiina byonna byalisimbira ekkuuli ate nga waliwo n'okuwabulwa kwe yafuna okuva ewa Ssaabawolereza wa Gavumenti kwe yatwala nga kikulu era mu mbeera eyo n'aliggyayo.

Ebbago lya Lumu lyabadde lisattiza ababaka b'oludda oluvuganya naddala aba NUP abazze balumiriza nti, ligenderera kunafuya maanyi gaabwe. Sipiika Annet Anita Among yategeezezza nga bwe beetaaga ennongoosereza ezimatiza n'asaba lyongere okwekenneenyezebwa likomezebwewo mu Palamenti y'e 12.

Yagasseeko nti, etteeka libadde likontana n'enkola egobererwa amawanga agali mu luse olumu ne Bungereza kuba yonna ekibiina ekikwata ekyokubiri kye kironda akulira oludda oluvuganya.

Okuva Lumu lwe yaleeta etteeka azze agugulana n'ababaka ba NUP nga bamulumiriza nga bwe yasindikibwa okulwanyisa ekibiina kyabwe. Lumu eyawangulwa mu kulonda okuwedde agamba nti, NUP yakola nnyo okulaba ng'awangulwa Henry Kamya Makumbi owa NRM. Amabago g'amateeka amalala agaggyiddwaayo kuliko; Sexual Offences Bill 2024 erirwanyisa obukaba, ebikolwa by'okukaka omukwano n'obuliisamaanyi.

Lino lyabadde lireeteddwa omubaka Anna Adeke Ebaju (Mukazi/Soroti City) nga lirina ebibonerezo ebikambwe ng'okusiba abasajja emyaka esatu abalina omuze gw'okukwatirira obubina, amabeere n'ebisambi by'abakazi, Contract Farming Bill 2023 eryabadde lireeteddwa Abed Bwanika (Kimaanya-Kabonera) ne Human Resource Management Professional Bill 2025 nga gasuubirwa okukomawo mu Palamenti eneddako.


Omubaka Lumu